



عالم فریجے سے لکھے گئے 50 ویں پہل (Luganda)

EBIMULI BYA MADANI

EBIKWATA KU KUNOONYA RIZIKI EYA 50

# HALAALI



Shaykh-e-Tariqat Amir-e-Ahl-e-Sunnat ng'ono ye  
mutandisi wa Dawat-e-Islami Allamah Maulana Abu Bila

**Muhammad Ilyas**

Attar Qadiri Razavi کاتبہ ہدایت  
الرحمۃ اللطیفہ

حلال طریقے سے کمانے کے 50 مدنی پھول

Halal Tariqay say Kamanay kay 50 Madani Phool

## EBIMULI BYA MADANI 50 EBIKWATA KU KUNOONYA RIZIKI EYA HALAALI

Omusomo guno gwabuulirwa Shaykh-e-Tareeqat, Ameer-e-Ahl-e-Sunnat, omutandisi wa Dawat-e-Islami ‘Allamah Maulana Abu Bilal Muhammad Ilyas Attar Qadiri Razavi **دامت بركاتهمو العاليه** mu Lulimi olwa Urdu. Aba **Majlis-e-Tarajim** (olukiiko oluvunanyizibwa mu kuvvunnula) bavvunnudde omusomo guno nebaguteeka mu lulimi Oluganda. Bw’osangamu ensobi yonna mukuvvunula, tegeeza olukiiko kundagiriro eno wammanga n’ekigendererwa ekyokufuna mu empeera [Sawab]

### **Majlis-e-Tarajim (Dawat-e-Islami)**

Aalami Madani Markaz, Faizan-e-Madinah, Mahallah Saudagran,  
Purani Sabzi Mandi, Bab-ul-Madinah, Karachi, Pakistan

UAN: ☎ +92-21-111-25-26-92 – Ext. 1262

Email: ✉ translation@dawateislami.net

## **Ebimuli bya Madani 50 ebikwata ku kunoonya Riziki eya Halaali**

Enzivunnula mu Luganda eyékitabò ekiyitibwa ‘Halal Tariqay say Kamanay kay  
50 Madani Phool’



**ALL RIGHTS RESERVED**

Copyright © 2023 Maktaba-tul-Madinah

---

No part of this publication may be reproduced, or transmitted, in any form or by any means, electronic, mechanical, photocopying, recording or otherwise, without the prior written permission of Maktaba-tul-Madinah.

---

**1<sup>st</sup> Publication:** Rabī’-ul-Ākhir, 1445 AH – (November, 2023)  
**Publisher:** Maktaba-tul-Madinah  
**Quantity:** -  
**ISBN:** -

### **SPONSORSHIP**

Feel free to contact us if you wish to sponsor the printing of a religious book or booklet for the Isal-e-Sawab of your deceased family members.

### **Maktaba-tul-Madinah**

Aalami Madani Markaz, Faizan-e-Madinah Mahallah Saudagran,  
Purani Sabzi Mandi, Bab-ul-Madinah, Karachi, Pakistan

✉ **Email:** [maktabaglobal@dawateislami.net](mailto:maktabaglobal@dawateislami.net) – [maktaba@dawateislami.net](mailto:maktaba@dawateislami.net)

☎ **Phone:** +92-21-34921389-93 – 34126999

🌐 **Web:** [www.dawateislami.net](http://www.dawateislami.net)

الْحَمْدُ لِلَّهِ رَبِّ الْعَالَمِينَ وَالصَّلَاةُ وَالسَّلَامُ عَلَى سَيِّدِ الْمُرْسَلِينَ  
أَسْأَلُكَ يَا اللَّهُ بِأَسْمَائِكَ الْحُسْنَى بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

## Du'a y'okusoma Ekitabo

Soma e Duwa eno nga tonnatandika kusoma kitabo kyonna eky'eddiini oba omusomo gwonna ogw'eddiini. Kino kijja kukusobozesa okujjukira byonna byosomye, رَبِّ شَاءَ اللَّهُ عَزَّوَجَلَّ:

اللَّهُمَّ افْتَحْ عَلَيْنَا حِكْمَتَكَ وَأَنْشُرْ  
عَلَيْنَا رَحْمَتَكَ يَا ذَا الْجَلَالِ وَالْإِكْرَامِ

### Okuvvunnula:

Ayi Allah عَزَّوَجَلَّ! owekitiibwa, Tuggulirewo omulyango g'wokumanya n'okutegeera, era obe n'ekisa wamu nokusaasira gyetuli. Mazimaddala Ggwe asinga ekitiibwa, era wasukkuluma.

*(Al-Mustatraf, vol. 1, p. 40)*

**Wetegeereze:** Saalira Nabi ﷺ nga tonnasoma Duwa eyo, n'era nga omalirizza.

## Table of Contents

EBIMULI BYA MADANI 50 EBIKWATA KU KUNOONYA RIZIKI EYA	
HALAALI .....	1
Obulungi bwa Salat-‘Alan-Nabi ﷺ .....	1
Ebigambo bitano ebya Nabbi Omwagalwa ﷺ ebikwata ku nfuna eya Halaali.....	3
Obulungi bwólumira olwa Halaali .....	4
Ebigambo bina ebya Nabbi Omwagalwa ﷺ ebikwata ku riziki eya Haraam.....	4
Ekikolimo kyómumiro gwa Haraam.....	6
EBIMULI BYA MADANI 50 EBIKWATA KU KUFUNA RIZIKI YA	
HALAALI .....	6
Ennamula ezikwata ku musaala gw’omukozi .....	9
Madani Channel – Global Coverage Parameters .....	27

أَلْحَمْدُ لِلَّهِ رَبِّ الْعَالَمِينَ وَالصَّلَاةُ وَالسَّلَامُ عَلَى سَيِّدِ الْمُرْسَلِينَ  
أَمَّا بَعْدُ فَأَعُوذُ بِاللَّهِ مِنَ الشَّيْطَانِ الرَّجِيمِ بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

## EBIMULI BYA MADANI 50 EBIKWATA KU KUNOONYA RIZIKI EYA HALAALI

Newankubadde nga sitane ajja kukuteeka okuwulira obugayaavu, soma akatabo kano konna okamaleko osobole okulungiya Akhirah yo.

### Obulungi bwa Salat-‘Alan-Nabi ﷺ

Ameer-ul-Mu`mineen, Sayyiduna Abu Bakr Siddeeq رَضِيَ اللهُ عَنْهُ yagamba nti okusoma Salat eri Nabbi Omwagalwa era Owémikisa صَلَّى اللهُ عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ kisangula ebibi mangu nnyo okusinga era nti n’amazzi tegazikiza muliro mangu nnyo nga kino; era okuweereza Salam eri Nabbi Asinga Obutukuvu صَلَّى اللهُ عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ kirungi okusinga okutaa ensingo (i.e. abaddu).

*(Tareekh-e-Baghdad, vol. 7, p. 172)*

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللهُ عَلَى مُحَمَّدٍ

Abaagalwa basseruganda abasiraamu! Kiri Fard [kyatteeka] feru omukozesa wamu nómucozi okuyiga ennamula ez’endagaano yókukola wamu nóbucozi. Bwebatayiga ennamula ezisaanidde ezikwata ku mbeera yabwe eriwo, bajja kubeera bajeemu, era nga bagwanira omuliro. Ekirala, bajja kuddiringana okwetaba mu bibi olwóbutamanya. Ennamula za Shar’i ennondemu

Ebimuli bya Madani 50 ebikwata ku kufuna riziki ya Halaali

zokka zezitereddwa mu katabo kano. Okufuna okumaya okulala, tukusba osome 'Ijaray ka Bayan' – omulyango ogumu mu muvumbo ogw; okusatu ogwékitabo *Bahar-e-Shari'at*; okuva ku lupapula 104 okutuusa ku 184. Ekisookera ddala, obulungi bwénfuna eya Halaali wamu n'obubi bwénfuna eya Haraam biweereddwa wano mu bufunze. Allah عَزَّوَجَلَّ agamba mu aya esooka eyékitudnu ekyékkumi nébbiri mu Quran Entukuvu:

وَمَا مِنْ دَابَّةٍ فِي الْأَرْضِ إِلَّا عَلَى اللَّهِ رِزْقُهَا

*Era nno tewali kitonde kyonna kitambula ku ns inga riziki  
yakyó teyesigamidde ku Kusaasira kwa Allah.*

*[Kanz-ul-Iman (Translation of Quran)] (Part 12, Surah Hood, verse 6)*

Nga annyonyola aya eyo waggulu, omunnyonnyozi amanyikibbwa ennyo, Hakeem-ul-Ummat Mufti Ahmad Yar Khan عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللَّهِ الْعَمَّان yagamba mu *Noor-ul-Irfan*: ENnsonga lwaki abo abatambulira ku nsi bogeddwako eri nti kubanga bebokka betulaba. Naye, amajinni etc. nago gaweewwa riziki nga eva wa Allah عَزَّوَجَلَّ wokka. Ekitendo Kye ek'okugabirira riziki tekikoma ku bisolo byokka. Wabula, buli kitonde ekirina obulamu kiweebwa ekika kya riziki yakyo kyekyetaagira ddala. Omwana ali munda mu lubuto lwa nnyina afuna ekika kya riziki eky'enjawulo. Bwamala okuzaalibwa, afuna ekika kya

riziki ekirala nga tannaba kumera mannyo. Bwakula, olwo nno era afuna ekika kyémmere eky'enjawulo.'

*(Noor-ul-'Irfan, p. 353 – with slight changes)*

## Ebigambo bitano ebya Nabbi Omwagalwa ﷺ ebikwata ku nfuna eya Halaali

1. Ekika ky'emmere ekisongayo obutukuvu kyekyo kyolidde na kiva mu ntuuyozo. *(Sunan-ut-Tirmizi, vol. 3, p. 76, Hadees 1363)*
2. Tewali kubuusuabuusa, omusiraamu akola abeera mukwano gwa Allah عَزَّوَجَلَّ. *(Al-Mu'jam-ul-Awsat, vol. 6, p. 327, Hadees 8934)*
3. Nsaba oyo atandise akawungeezike nga akooye olwókukola emirimu asonyiyibwe mu kawungeezi ako! Oyo amaliriza akawungeezi ken ga akooye olwókukola emirimu, nsaba akawungeezi ako akake kabeere akawungeezi akókusonyiyibwa! *(Ibid, vol. 5, p. 337, Hadees 7520)*
4. Jannah yóyo alina enfuna entukuvu. *(Ibid, p. 72, Hadees 4616)*
5. Waliyo ebibi ebimu nga omutango gwabyo si Salah wadde okusiiba oba Hajj oba 'Umrah. Omutango gwabyo



Ebimuli bya Madani 50 ebikwata ku kufuna riziki ya Halaali

byebizibu ebyo omuntu byayitamu nga anoonya riziki eya Halaali (ekkirizibwa).<sup>1</sup>

## Obulungi bwólumira olwa Halaali

Tulina okulafuubana ennyo okufuna riziki ya Halaali, kubanga olumira lwémere olwa Halaali lulina empeera nnene nnyo. Kigambibwa ku lupapula 115 olwómuvumbo ogusooka ogwékitabo ekyémpapula 1022 ‘Faizan-e-Sunnat’ ekyafulumizibwa Maktaba-tul-Madinah [ekitongole ekifulumya ebitabo ekya Dawat-e-Islami]:

Sayyiduna Imam Muhammad Ghazali عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللَّهِ الْوَالِي yanokola ekigambo ky’omulongoofu omu رَحْمَةُ اللَّهِ عَلَيْهِ mu muvumbo ogwókubiri ogwa *Ihya-ul-‘Uloom*: ‘Omusiraamu Bwalya omumiro ogusoka ogwémere eya Halaali, ebibi bye byonna ebyayita bisonyiyibwa. Ate omuntu oyo agenda mu kifo awali okuswazibwa nga anoonya riziki ya Halaali, ebibi bye bimuvaako nebigwa wansi nga ebikoola byómuti. (*Ihya-ul-‘Uloom, vol. 2, p. 116*)

## Ebigambo bina ebya Nabbi Omwagalwa ﷺ ebikwata ku riziki eya Haraam

1. Omuntu atindigga olugendo oluwanvu ennyo, enviiri ze sinsanyirire ate nga omubiri gwe gubunye enfuufu (i.e.

---

<sup>1</sup> Ibid, vol. 1, p. 42, Hadees 102; Fatawa Razawiyah, vol. 29, pp. 314-318

embeera ye eraga nti edduwa yonna gyenadisabye yandikkiriziddwa). Awanika emikono gye waggulu mu bire nágamba, ‘Ya Rab, Ya Rab (i.e. awanjaga) naye emmere ye ya Haraam, ebyokunywa bye bya Haraam, ate n’engoye ze za Haraam ate n’okunyirira kwe kwa Haraam. Abaffe okusaba kwe kunakkirizibwa kutya?<sup>1</sup> (i.e. bwoba nga oyagala edduwa zo zaanukulwe, olwo nno lafuubana nnyo okufuna riziki eya Halaali.)

2. Ekiseera kijja kutuuka ku bantu nga omuntu taja kufaayo butya bwafunye ekintu, oba ayitidde mu mitendera gya Halaali oba Haraam.

*(Sahih Bukhari, vol. 2, p. 7, Hadees 2059)*

3. Oyo afuna emaali ya Haraam bwagiwaayo nga sadaka, tejjakukkirizibwa; ate bwagikozesa, temujjakubeeramu mikisa mu yyo; ate bwagirekawo náfa, ejjakumutwala mu Muliro. Allah عَزَّوَجَلَّ tasanguza kibi nakibi wabula ekibi akisanguza nákirungi. Awatali kubuusabuusa kwonna, ekibi tekijjawo (tekisangulawo) kibi. *(Musnad Imam Ahmad Bin Hanbal, vol. 2, p. 34, Hadees 3672)*

4. Oyo yenna atunda ebintu ebiriko obumogo nga tabulaze, aja kusigala nga ali wansi wóbusungu bwa Allah عَزَّوَجَلَّ, oba ye

---

<sup>1</sup> Sahih Muslim, p. 506, Hadees 1015(65)

Ebimuli bya Madani 50 ebikwata ku kufuna riziki ya Halaali

صَلَّى اللهُ عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ yagamba nti bamalayika bajja kumukolimira lubeerera. (*Sunan Ibn Majah, vol. 3, p. 59, Hadees 2237*)

## Ekikolimo kyómumiro gwa Haraam

Kigambibwa mu *Mukashafa-tul-Quloob*: Omumiro gwa Haraam bweguyingira mu lubuto lwómuntu, buli malayika mu ggulu ne ku nsi ejja kumukolimira ebbanga bwerimala nga omumiro ogwo ogwémere gukyali mu lubuo lwe. Ate bwafa mu mbeera eyo yemu (nómumiro ogwo ogwa Haraam mu lubuto lwe), ajja kuyingira mu Muliro. (*Mukashafa-tul-Quloob, p. 10*)



## EBIMULI BYA MADANI 50 EBIKWATA KU KUFUNA RIZIKI YA HALAALI

1. Kiri Fard eri omukozesa wamu nómukozi okuyiga ennamula za Shar'i ezetaagisibwa ezikwata ku kukola nga bwebazetaaga. Bwebatabiyiga, bajja kubeera basobya. (Ennamula za Shar'i ezinnyonnyoddwa mu bujjuvu ezikwata ku kukola ziteereddwa mu kitabo *Bahar-e-Shari'at* ekitundu 14, empapula 104-184, ekyafulumizibwa Maktaba-tul-Madinah, ekitongole ekifulumya ebitabo eky'a Dawat-e-Islami).
2. Mu kiseera kyókuwa omukozi omulimu, kyattekwa okugereka ebbanga ly'okukola, essaawa ezókukola,

omusaala, etc. nga temunnaba kutandika.

3. A'la Hadrat, Imam Ahmad Raza Khan عليه ورحمته الرحمن yagamba: Waliyo engeri ssatu ezókukola (1) obunafu (2) wakati (3) mangu nnyo. Mu biseera ebigereke ebyókukola, omukozi bwaba nga akola nga munafu (nga tatuuka námutiindo gwawakati), ajja kubeera musobya; okusarulwa mu bujuvu mu mbeera eno kubeera Haraam gyal. Asobola kusalwa musaala gwokka okusinziira ku muwendo gwémirimu egikoleddwa era alina okuzzaayo essence ezisusse eri omukozesa.

*(Fatawa Razawiyyah, vol. 19, p. 407)*

4. Omukozi bwafuuka omunafu nga ali mu kukola alina okufumiitiriza ku muwendo gwémirimu ebyandikoleddwa singa abadde akolera ku bwangu obwawakati. Okugeza, mukozi akolera ku kkompiyuta era nga afuna lupayi (rupees) kikumi nga omusaala. Asobodde okuwandiika ennyiriri kikumi buli lunaku nga akolera ku bwangu obwawakati naye ennyiriri kyenda mu mwenda zawandiikibwa ku lunaku lwonna olwóbunafu oba olwókwogerayogera okutasaanye, nabwekityo alina okufuna lupayi kkumi azijjeko okuva ku kusalwa kwe okw'olunaku olwo. Bwatajjaako ssente ezo ezisusseeko, ajja kubeera musobya era nga agwaanira omuliro.
5. Kakibeere kitongole kya gavumenti oba kya ssekinnoomu, omukozi bwajja kikeerezi nga akigenderedde (mu ngeri

ekontana némpisa ezalaalikibwa) oba nágenda mangu nnyo oba nátakola; mu mbeera zino ajja kubeera nga akoze ekibi nga yegenderedde mu kujeemera endagaano yóbukozi. Ekirala, bwafuna omusaala omujjuvu olwo nno ajjakubeera nga akoze ekibi ekirala era nga agwanira Muliro.

Imam Ahmad Raza Khan عليه رَحْمَةُ الرَّحْمٰن yagamba: ‘Okujeemera amateeka agakkaanyibwako era agakkirizibwa kiri Haraam; era okukola emirimu gyasekinnoomu mu biseera by’okukola nakyo kiri Haraam; ate okufuna omusaala omujjuvu nga omulimu gwokoze gulimu obumogo nakyo kiri Haraam.’  
*(Fatawa Razawiyyah, vol. 19, p. 521)*

6. Omukungu wa gavumenti bwajja kikeerezi era yafeesi néggulwawo kikeerezi olw’obulagajjavu bwe, kisigala nga kyatteekwa eri buli mukozi okutuuka ku yafeesi mu biseera ebigereke, newankubadde nga balina okumilida nga batudde wabweru. Omukungu atalimwesimbu bwakkiriza omukozi we okujja ekikeerezi ate nágenda manu, kino tekiyinza kukyusa kikulwa ekitakkirizibwa nekifuukamu ekikkirizibwa. Okukwata ebiseera kisigala kiraalike eri bonna.
7. Mu bitngole bya gavumenti, abakungu wamu nábakozi ababulijjo bonna bayingira endagaano y’obukozi nébiseera ebigereke ebyókukola era buli omu alina okukola obulungi omulimu gwe mu biseera ebyo. Oluusi,

omukungu agenda nga bukyali era násaba nábakozi wansi we nabo bagende! Omukungu oyo agenze amangu kituufu abeera musobyá. Omukozi naye bwagenda mangu, olwo nno naye ajja kubeera musobyá. Nabwekityo, kiri Wajib (kyatteekwa) okusigala mu yafeesi okutuusa nga ebiseera byókukola ebigereke kiweddeko newankubadde nga tewali mulimu gwakukola. Oyo yenna agenda mangu alina okusalibwa ku musaalagwe.

### **Ennamula ezikwata ku musaala gw'omukozi**

**Ekibuuzo:** Omukozi bwatuuka mu kiseera naye omuntu alina ebisumuluzo gya yafeesi nátuuka kikeerezi oba nga tajidde ddala olwénsonga eyo yafeesi n'esigala nga nzigale, olwo nno omukozi atuuka mu budde abaffe omusaala gwe gusalibweko oba afune omusaala omujjuvu?

**Okwanukula:** Waliyo ebika byábakozi bibiri; abakozi abólubeerera (i.e. abaweebwa omusaala gwómwezi) nábakozi abasasulwa buli lunaku (leejalejja). Mu mbeera zombie, okusasula oba obutasasula musaala kisinziira ku nnono ezateekebawo oba obukwakkolizo nóbulombolombo obwakkaanyizibwako. Mu nnono ezakkatirizibwa edda, omukozi ow'olubeerera aweebwa omusaala omujjuvu mu mbeera ezo waggulu. Naye, omukozi asasulwa buli lunaku taweebwa musaala. Naye ennono ezikkaatirizibwa ezékifo ekimu bweziba nga zawukana, olwo nno zirina okugobererwa.

Mu ngeri y'emu, ekintu bwekiba nga kisaliddwawo mu werufu, olwo nno kijja kutwalibwa nga bwekiri enno ezikkatirizibwa kazibeere zitya.

*(Fatawa Ahl-e-Sunnat – unpublished)*

8. Omukozi alin okuwandiika wansi obudde obutuufu bweyatuuse nebweyagendeddemu mu kitabo ekiwandiikibwamu okutuuka ku mulimu. Bwatabeera mwesimbu nawandiika obudde obukyamu olwo nafuna omusaala omujjuvu nga takoze mirimu gye gyonna, ajja kubeera musobya era nga agwanira ebibonerezo byómuliro.
9. Omukozi omu ayingidde endagaano yóbukozi erimu obudde obulagaanye obwokukoleramu bwava mu yafeesi nga obudde tebunnaba kuggwayo, tekijja kukkirizibwa gyali kumuwa oba ye okufuna omusaala kakibeere nga yabadde talina mirimu gyakukola oba nga yagimalirizza mangu nga obudde bwokuggalawo yafeesi tebunnaba kutuuka. Amazima, omusaala gwe gujja kusalibwako singa agenda mangu. Okugeza, omuntu bwagenda essaawa 3 mangu nga essaawa za yafeesi entuufu tezinnaba kutuuka olwo nno omusaala gwéssaawa 3 gujjakusalibwako. Naye, mu kitongole ekyassekinnoomu omukozesa bwawa omusaala omujjuvu nókukkiriza kwe olwo nno kikkirizibwa.

10. Ebitongole bingi biwa abakozi ekiwummulo ekyébyobulamu. Omukozi atali mulwadde bwafuna ekiwummulo ekyo ekyébyobulamu nga aliimba oba nga alaga alipoota yóbusawo enjweteke olwo nno abeera musobya. Omusawo oyo awandiika alipoota oba ekiwandiiko ky’obujjanjabi ekijweteke naye abeera musobya era nga agwanira omuliro.
11. Ebintongole ebimu biwa abakozi babyo obujjanjabi obutaliiko kusalula. Okutwala eddagala okuva mu bitongole bino nga wekwasa ensonga ezóbulimba oba okufunira omuntu omulala eddagala eryo nga owandiisa erinnya lyo bikolwa ebiri Haraam era bitwala mu Muliro. Oyo yenna akolagana n’omuntu bwati naye abeera musobya.
12. Okufuna ebbaluwa y’obuyigirize nga yabuliimba okusobola okwongezebwa ku musaala oba okulinyisibwa eddaala tekikkirizibwa era kibi kubanga kisinziira ku bulimba na kufera.
13. Omukozi alina okusigala nga akola mu biseera by’omulimu gwe era yewale ebikolwa ebireeta obunafu. Okgeza, okwebaka ekikeerezi ekiro oba okusiiba ebisiibo bya Nafl bwebiba nga bireeta obunafu ku mulimu, alina okwewala ebikolwa nga ebyo kubanga oyo yenna agenderera okubeera omunafu ku mulimu ajja kubeera musobya newankubadde nga asaliddwako kumusaala oba okusasulwa kwonna okwa leejalejja. Kino kiri nti kubanga



yakola endagaano y'obukozi olwo nno kati y'emufuga ku mulimu waakiri ku bwangu obwabulujjo. Kimaze okunnyonnyolwa n'okunokola okwa *Fatawa Razawiyyah* (omuvuumbo 19, olupapula 407) nti *omukozi oyo akola n'obunafu mu biseera by'okukola abeera musobya.*

Kirabikirawo, obunafu n'obutakola bwómukozi bireetera emirimu gy'omukozesa okutuuka ku kufiirwa. Kawebeerewo omuntu nga kalabalaba oba neddam omukozi alina kutya Allah عَزَّوَجَلَّ era ateeke omusaala gwe gusalibweko okusenziira ku kigero eky'obukendeevu mu mulimu ogwaliwo olwóbunafu. Ekirala, alina okwenenyeza ekintu ekyo era asabe omukozesa amusonyiwe. Naye, bwekibeera nga kitongole kya ssekinoomu era omukozesa n'asonyiwa omuwendo ogwandisaliddwa, olwo nno omukozi simusobya, اِنْ شَاءَ اللهُ عَزَّوَجَلَّ.

14. Ajeer-e-Khaas (i.e. omukozi asibiddwa olwendagaano ku mukozi omu yekka oba ekitongole kimu mu kiseera ekigereke) tasobola nakukola mirimu gye egy'obuntu mu budde bwe obw'okukola emirimu. Asobola okusaala Salah ya Fard ne Sunnat-e-Muakkadah mu biseera bya Salah. Nayem tekikkirizibwa gyali okusaala Nafl mu budde bw'okukola (naddala nga tewali kukkiribwa kwerufu oba nga tewali nno eraalikiddwa eyinza okukikkiriza).

Ekirala, akkirizibwa okugenda okusaala Salat-ul-Jumu'ah ku lw'Okutano. Jami' Masjid bweba nga eri wala okuva ku kifo wakola era nga ekiseera kingi ekijja okumalibwa olwa kino, omusaala ogwekiseera ekyo gujja kusalibwako. Jami' Masjid bweba nga eri kumpi n'ekifo wakolera, olwo nno tewali kusala ku musaala; ajja kufuna omusaala omujjuvu. (*Bahar-e-Shari'at, vol. 3, p. 161; Rad-dul-Muhtar, vol. 9, p. 118*)

(Ekiseera kya Salat-ul-'Isha bwekijja mu budde bw'okukola olwo nno akkirizibwa okusaala Salat-ul-'Witr.)

15. Bwekiba nga Ajeer-e-Khaas oyo tasobola kukola mulimu olw'ensonga entuufu olwo nno tajja kugwanira kusalulwa musaala ogwo. Okugeza, teyakoze ku lw'enkuba, naye nga yabaddewo, tajja kufuna musaala. (Tajja kuweebwa musaala gwe ogw'olunaku olwo.) (*Ibid; Rad-dul-Muhtar, vol. 9, p. 117*)

Naye, ennono eriwo bweba nga yetaaza omusaala okusalulwa ne mu mbeera nga ezo, olwo nno ajja kufuna omusaala gwe ogw'olunaku olwo kubanga zino ziyitibwa ennaku z'okuwummula era zisasulirwa.

16. Buli mukozi alina okwebalamu mu nkola ye buli lunaku nga biseera byenkana ki byeyayoononye nga ali mu budde bw'okukola olwokuba nga abadde mu mbooji ezitetaagisa

oba emirimu egitetaagisa; kikeerezi kitya kyeyatuuse, etc. Ekirala, alina n'okubalirira ebiwummulo bye ebyali bitasaanye olwo nno asaleko ku musaala gwe buli mwezi mu ngeri eyo.

Mu Jami'a-tul-Madinah ne mu bitongole ebirala ebya Dawat-e-Islami waliyo basseruganda abasiraamu abamu abegendereza ennyo era abeteeka ekitundu ekimu ku musaala gwabwe nekisalibwako buli mwezi nga eky'okwewaza. Omwoyo gwabwe ogwa waggulu gusiimibwa nnyo! Buli muntu alina okugoberera abantu nga bano abalungi. Omuntu bwalekayo akasente akatono mu kitongole tekijja kumukosa. Wabula, bwafuna lupayi (rupee) yadde n'emu mu kugenderera nga tekkirizibwa, kiyinza okumuleetera ekibonerezo ekinene ennyo nga tewali ayinza kukigumira mu akhirah.

17. Kalabaalaba alina okwekenneenya era yeetegeereze abakozi bonna mu ngeri yonna gyasobola. Alina okuwaayo alipoota enzijuvu eri ekitongole oba yafeesi evunaanyizibwa ku kukola kw'abakozi abateeyisa bulungi ku mulimu oba ebiseera byebakolerami oba baliwa abalaga obunafu ku mulimu. Kalabaalaba bwabikkirira enneeyisa ezimu nga ezo enkyamu nga alaga ekisa oba okulumwa oba olw'ensona endala yonna, olwo nno ajja kutwalibwa nga atali mwesigwa era musobya ate nno ajjakugwanira ebibonerezo by'omuliro (Ggeyeena).

18. Newankubadde nga bakimanyiko, bakalabaalaba n'abanoonyereza mu bitongole eby'eddiini oba eby'abantu abawamu bwebasuulayo ogwa naggamba ku kweyisa obubi okw'abakozi wamu n'okubeera nga tebajja ku mulimu era nno, olw'ekyo, abakozi nebafuna emisaala aemijjuvu okuva mu ssente eziweereddwayo, mu mbeera eyo abakozi wamu n'abakuungu abakivunaanyizibwako bajja kubeera balimba, basobya era bajja kugwanira ekibonerezo ky'omuliro.
19. Tekijjira ddala mu ndowooza y'oyo ategeera okwewala omulimu mu kitongole eky'eddiini kulw'okuba bagoberera nnyo ennamula za Shar'i bwekituuka ku kukolerayo. Mu ngeri yemu, okuva ku mulimu gw'ekitongole ky'eddiini olw'ensonga eyo olwo nno n'ofuna omulimu mu kitongole awatali muntu kukwegendereza ekyo nno naky'o kinakuwaza ddala. Omuntu alina okubeera n'ekirowoozo eky'okukolera ekitongole ekyo nga amateeka ga Shari'ah agakwata ku bukozi gagobererwa ddala olwo nno, ku lw'emikisa gy'okukola ekyo, yeewale ebibi era afune riziki eya Halaali.
20. Omukozi bwaba nga tasobola kukola mulimu ku ndagaano y'obukozi; okugeza, musomesa naye tasobola kusomesa bulungi, olwo nno alina okutegeeza omukozesa ku kino mangu ddala.

21. Omusomesa okuva mu kitongole ekiddukanyizibwa ku bugabirizi bwaba nga tasobola kusomesa bulungi oba omukulembeze oba omukozi ow'ekika kyonna bwasangibwa nga omusango gumusiinze ogw'okweyisa obubi, okuwakanya ennono n'endagaano, olwo nno kiri Wajib (kyatteekwa) eri abakungu abakikwatibwakwo okumukomya kumulimu.
22. Endagaano y'obukozi bweba nga yakolebwa okumala akaseera akagere, e.g. okumala omwaka gumu – endagaano teyinza kusalibwamu awatali kukkirizibwa kw'ejuyi zombiriri. Omukozesa bwatiisa okugoba omukozi yenna awatali nsonga yonna nga ekiseera ekigereke tekinnaba kuggwaayo oba omukozi atiisatiisa okulekerera omulimu naye nga omukozesa akyetaaga omukozi akole, kino sikituufu. Naye, wansi w'okuwalirizibwa okumu okwa Shar'i, yenna ku bbo ayinza okumenyawo endagaano eyo nga ekiseera ekyasalibwawo tekinnaba kuggwaayo.
23. Omuntu bwaba nga aweereddwa omulimu oguliko omusaala ogukugiddwa era n'asabibwa ajje mu yafeesi okukola ku lunaku olusooka olw'omwezi naye nga ebiseera by'obukozi tebigereddwa, olwo nno ekiseera ky'obukozi kijja kusalibwawo okusinziira ku nnono eyakkatira. Ekitegeeza nti, bwaba nga akozesebwa nga asasulwa buli lunaku oba buli wiiki oba buli mwezi, ajja

kutwalibwa nga abadde akozeseddwa okumala olunaku, wiiki oba omwezi. Eky'okulabirako, bwekiba nga ennono eyakkatira yetaagisa omulimu gweyawebwa okkolebwa gulina okugeenderera okumala omwezi, olwo nno omukozi wamu n'omukozesa balina obuyinza okukomya obukozesa obwo oluvannyuma lw'omwezi nga guyise.

Omulimu bweguba nga tegukomekkerezeddwa ate olunaku lumu wamu n'ekiro kimu eby'omwezi oguddako nebiyita, olwo nno tekikkirizibwa mu mbeera eno kukomekkereza mulimu ogwo nga omwezi ogutandise tegunnaba kuggwaayo. Buli omulimu bweguba nga gugenda kukomekkerezebwa, gulina kukomekkerezebwa ku lunaku olusooka olw'omwezi ogwo. Naye, omukozesa n'omukozi bayinza okwetegeeza nga tekinnatuuka nti omukimu gujja kukoma ku lunaku olusooka olw'omwezi oguddako.

Mu kwanukula ekibuuzo ekimu, kigambobwa ku lupapula 346 olw'omuvuumbo ogwa 16 ogwa *Fatawa Razawiyyah*: Kya bulijjo okuwa Imam omulimu, okugeza, nga waliwo omusaala omugereke ogwa buli mwezi naye nga tebalambuludde bbanga lya bukozi obwo. Obukozi nga buno bukkirizibwa wokka okumala omwezi ogusooka. Mu mbeera nga eno, omukozesa wamu n'omukozi balina obuyinza okukomekkereza omulimu ogwo mu maaso gabwe bombiriri ku ntandikwa y'omwezi. Kigambibwa

mu *Durr-e-Mukhtar*, ‘Edduuka bweripangisibwa n’omuwendo omugereke ku ntegeeraganya y’omwezi, endagaano eno ekkirizibwa wokka okumala omwezi gumu era tekkirizibwa kumala myezi mirala giddako kubanga ekiseera ky’endagaano tesaliddwawo. Oluvannyuma lw’omwezi ogusooka nga guyisewo, buli om uku bbo alina obuyinza okukomekkereza endagaano eyo mu maaso g’oli omulala okusinziira ku bujulizi nti endagaano entuufu etuuse ku nkomerero.’ (*Durr-e-Mukhtar*, vol. 9, p. 84)

24. Tekikkirizibwa eri musiraamu kukola mulimu gulimu kuweereza oyo atakkiriza. Mu ngeri y’emu, omusiraamu talina kukola ndagaano yabukozi nga obwo n’omuntu atakkiriza nga kiyinza okuswaza omusiraamu kubanga omulimu nga ogwo tegukkirizibwa. Emirimu gino egiswaza omusiraamu giringa okukola masaaji y’omubiri gw’oyo atakkiriza, okukyusa obuziina bw’omwana we, okweera n’okuyonja ennyumba ye ne yafeesi ye, okusitulawo kasasiro, okwoza ttooyi n’emifulejeje wamu n’okwoza emmotoka ye etc. Naye, omulimu ogutaliimu buswavu eri musiramu gubeera gukkirizibwa.
25. Tekikkirizibwa kukozeza muntu ava mu lulyo lwa Nabbi mu mulimu ogunyoomesa oba oguswaza. Kigambibwa ku mpapula 284 ne 285 ez’ekitabo ‘*Kufriyah Kalimat kay Baray mayn Suwal Jawab*’, ekitabo eky’empapula 692

ekyafulumizibwa Maktaba-tul-Madinah, ekitongole ekifulumya ebitabo ekya Dawat-e-Islami: A'la Hadrat, Imam-e-Ahl-e-Sunnat, Maulana Shah Imam Ahmad Raza Khan عَلَيْهِ رَحْمَةُ الرَّحْمٰن yabuuzibwa ekibuuzo: Sayyid bwaba nga muyizi oba nga mukozi, kikkirizibwa oba tekikkirizibwa kumuteeka kukola mulimu gwa ddiini oba ogw'ensi era n'okumukuba?

**Okwanukula:** Tekikkirizibwa kumuteeka kukola mulimu gunyoomesa; era tekikkirizibwa kumukozesa mu mulimu nga ogwo. Omulimu bweguba nga teguliimu kuswazibwa, guyinza okuweebwa era negukkirizibwa Sayyid. Sayyid bwaba nga muyizi, ayinza okuteekebwa okukola omulimu kasita guba nga guli mu nnono ezateekebwawo. Naye kuky'okumukuba, ekyo omuntu alina okukyewalira ddala.

﴿وَاللَّهُ تَعَالَىٰ أَعْلَمُ﴾

*(Fatawa Razawiyah, vol. 22, p. 568)*

26. Omukozi alina okwewala okukozesa ebintu bya yafeesi ku nsonga ze ezassekinnoomu okugeza nga ekkalaamu, empapula, n'ebintu ebirala.
27. Bwewabawo okukkiriza okuva ku kitongole okukozesa essimu ya yafeesi mu ngeri eyamba ssekinnoomu, omukozi ayinza okugikozesa mu ngeri ekkirizibwa. Naye,



bwewaba nga tewali kukkizibwa olwo nno tekikkirizibwa ddala era mwattu kibeera kikulwa kibi okugikozesa.

28. Okusinziira ku nnono ezatekebawo, kikkirizibwa okukozesa essimu ya ssekinnoomu mu biseera by'okukola okumala eddakiika entono mu biseera ebimu. Omuntu bwaddingana okukozesa essimu ye okumala eddakiika kkumi oba kkumi nattaano, tekikkirizibwa kugikozesa mu ngeri eno. Kino kijja kuleetera okufiirwa eri omukozesa wamu n'omulimu gwe.
29. Mu bbanga ery'obukozi, tekibeera kyabwenkanya kutiisatiisa mukozi okumugoba ku nsonga entonotono nga ebbanga ery'obukozi terrinnaba kuggwayo. Abakozesa abamu bwebaba nga banyigidde ensonga entono bagoba abakozi babwe. Kino tekikkirizibwa kukikola. Naye, bwewabawo ensonga ennene etwalibwa mu Shari'ah nga ensonga ey'okukomya obukozi obwo, olwo nno bombiriri bayinza okukomekkereza obukozi obwo. Okugeza, omuntu agenda mu nsi eyewabweru okukola okumala ebbanga lya myaka ebiri naye viza ye n'eggwaako oluvannyuma lw'omwaka gumu era nga tasobola kufuna viza mpya, olwo nno ye [i.e. omukozi] alina okukomya omulimu gwe kubanga tekikkirizibwa gyali kuddamu kuwangaalira awo kubanga musango gwamateeka okubeera mu nsi engwiira nga tolina viza.

30. Endagaano y'onukozi bweba nga erina akakwakkulizo nga: Omukozi (oba omubangisa) alina okubuulira omukozesa (oba nannyini nnyumba) ku nsonga y'okulekulira omulimu (oba okukomya endagaano y'obupangisa) omwezi gumu mu maaso, oba si kkyo omusaala gw'omwezi gujja kusalibwako oba (ebisale by'okupangisa omwezi bijja kuweebwa) – ekika ky'endagaano eno n'omukozi (oba omupangisa) tekikola (tekikkirizibwa). Bwakomya endagaano y'obukozi eyo (oba obupangisa) nga talabudde mwezi gumu mumaaso, era omukozesa n'asala omusaala gwe (oba nannyini nnyumba n'afuna essente ezisingawo ez'okupangisa), kino kija kubeera kikolwa kyabulyazamanya. Mu mbeera nga eno, omukozesa kwasala kumusaala ogw'eddakiika emu bweti naye nga teguwera na mwezi (oba nannyini nnyumba n'afuna ensasula esukkawo) ajja kubeera mukozi wa kibi era nga agwanira ekibonerezo ky'omuliro.
31. Olw'obulwadde, omukozi bwatajja kumulimu oba n'atakola mulimu nga bwatera okugukola, omukozesa alina eddembe okumusalako ku musaala. Mu mbeera nga eno, okusalako okwo kujja kubeera nga kugerageranyizibwa ku muwendo gw'okufirwa mu mulimu. Okugeza, omukozi bwaba nga teyakola kumala ssawa ssatu mu ssawa omunaana ezirina okukolebwamu olwo omusaala gw'essawa ssatu gujja kusalibwako. Okusalako omusaala gw'olunaku lulamba oba ekitundu

ky'olunaku kikolwa kyabulyazamanya. (Okumanya ebisingawo, soma empapula 515-516 mu muvumbo ogw'ekkumi n'omwenda ogwa *Fatawa Razawiyyah*.)

32. Imam ne Muazzin balina okuteeka emisaala gyabwe gisalibweko bwebaba nga tebazze kumulimu mu ngeri ekontana n'ennono eziteekeddawo. Okugeza, Imam oyo nga omusaala gwe gwa lupayi (rupees) nkumi ssatu, alina okusalibwako lupayi 20 olwa buli Salah gyatakulembere. Muazzin naye alina okukola embalirira yemu.

(Bwebatajja kumulimu awatali nsonga ekkirizbwa, nga bageenderedde okuwakanya endagaano y'omulimu, olwo nno baja kubeera bakozi bakibi newankubadde nga omusaala gwabwe bagusazeeko. Nolwekyo, balina okwenenyeza ddala era beewale empummula nga ezo etisaanye.)

33. Okutema ku musaala gwa Imam, Muazzin omulabirizi oba omukozi yenna akolera ekitongole ky'eddiini oba eky'ebyensi tekuyinza kukolebwa bwebaba nga tebazze kumulimu okusenziira ku nnono ezatekebawo, Naye, okusalako kuyinza okukolebwa olw'obutakola nga kiwakanya ennono ezatekebawo..
34. Omuntu asasula eri Imam oba Muazzin okuva mu nsawo ze alina eddembe okusasula omusaala omujjuvu

newankubadde nga tebazze kumulimu nga bakontana n'ennono ezateekebwawo. Mu ngeri y'emu, omukozesa alina n'obuyinza ku mukozi we [i.e. ayinza okumusasula omusaala omujjuvu bwaba nga ayagadde].

35. Okusinziira ku nnono ezateekebwawo, Imam ne Muazzin bakkirizibwa okutwala olunaku lumu oba bbiri okuwummula mu mwezi. Tewajja kubeerawo kusalibwa ku misaala gabwe olw'okuwummula okwo. Naye, ennono eziteekebwawo zawukana okuva mu kifo ekimu okudda mu kirala.
36. Imam oba Muazzin bwaba nga atambudde mu Madani Qafila ey'enaku 3 eya Dawat-e-Islami, balina okusalibwako ensasula y'olunaku lumu okuva ku musaala gwabwe. Okusalako okusasula kw'olunaku lumu kujjakokolebwa kasita babeera nga tebaatwala kiwummolo kyabwe kirala mu mwezi gwegumu. Mu bumpimpi, balina okusalibwako ensasula z'okuwummula okwo okususse empummula bbiri. Kino kijja kukola nga ennono ezateekebwawo zikkiriza empummula bbiri.
37. Ebiseera ebimu, Imam tabeerawo kusaaza Salah ne Muazzin tabeerawo kwatu Azan. Mu mbera eyo, ennono ezateekebwawo ez'ekitundu ekyo zirina okugobererwa, Bwekiba nga emisaala gisalibwa olw'obutabaawo olwo nno emisaala gyabwe nagyo gijja kusalibwako; bwekitaba ekyo tewali kusalibwako kujja kukolebwa.

38. Mu butabaawo okusukka ku mpummula ezikkirizibwa mu nnono, olwo nno Imam ne Muazzin bwebaleeta omuntu okubakiikirira mu kukkaanya n'okukkiriza kw'akakiiko ka Masjid olwo nno tewali kusalibwako kujja kukolebwa kuva ku misaala gyabwe.
39. Muazzin bwaba nga aweebwa obuvunanyizibwa, kibeera kirina okulaibwa mu buterevu oba mu kulagiriza nti ajja kukuleembera Salah nga Imam taliwo. Mu mbeera eno, Imam tayinza kuteeka Muazzin kumukiikirira. Alina okuleeta omukiikirira omulala. Muazzin oba akakiiko k'omuzikiti bwebaba nga tebasanyukira mukiikirizi mulala, olwo nno kyetagisa eri Imam okuteeka omusaala gwe bagusaleko ekifo ky'okuleetawo omukiikirizi. Naye, Imam ayinza okuleeta omukiikirizi yenna okuva gyali nga amalirizza okufuna okukkiriza okuva ku Muazzin n'akakiiko ka Masjid.
40. Imam ne Muazzin basobola okufuluma okuva mu kibuga okugenda okusisiinkana ab'enganda zabwe okumala akaseera akasukka oba akali wansi wa wiiki emu omulundi gumu mu mwaka. Basaana okuweebwa omusaala ku biwummulo nga ebyo.
41. Bwaba nga Imam, Muazzin oba omukozi akolera edduka lyonna etc. alwala nnyo oba omuntu we yenna ow'oluganda n'afa, olwo nno ennono ezatekebawo zijja

kugobererwa. Ennono ezatekebwawo bweziba zetaagisa omusaala okusalibwako olw'okuwummula nga okwo, olwo nno gujja kusalibwako; bwekitaba ekyo, tegujjakusalibwako.

42. Bwekiba nga amaka ga Imam, Muazzin, Mudarris oba omukozi yenna gali wala okuva wakolera era nga tayinza kutuukayo olw'okwekalakaasa okunene nga mu mu kkwo entambula z'olukale zitataganyiziddwa oba nebatajja kumulimu olw'okutya okutuufu okw'obuvuyo, olwo nno tewali kusalibwako kumusaala kujja kukolebwa bwekiba nga kyamala okusalibwawo nti okusalako tekujja kukolebwa mu mbeera nga zino oba ennono ezatekebwawo ez'ekitundu ekyo zikkiriza empummula nga ezo awatali kusalibwako kumusaala. Jjukira! Okwekalakaasa okutono si nsonga yabutajja kumulimu.
43. Emisala gijja kusalibwako olw'okuwummula okutwalibwa okukola Hajj ne 'Umrah. (Laba olupapula 209 olw'omuvumbo ogw'ekkumi n'omukaaga ogwa *Fatawa Razawiyyah*.)
44. Omuntu bwalekulira omulimu nga 28<sup>th</sup> ogw'omwezi, tajja kugwanira kusalulwa lunaku lumu olwo oba nnaku bbiri ezo (bwekiba nga omusaala guweebwa okusinziira ku myezi gy'obusiraamu) oba ennaku bbiri oba ssatu (bwekiba nga omusaala guweebwa okusinziira ku myezi gya Girigoori).

45. Omukozi oyo akolera mu kitongole ekyabwannanyini ajjakukkirizibwa okusaala Sunnat-e-Ghayr Muakkadah, Nawafil wamu n'okusoma obulaadi (azkaar) mu biseera by'okukola bwekiba nga nannyini kitongole ekyo oba amumyuka akkirizza okubikola. Ekirala, bwekiba nga akkiriziddwa, omukozi ayinza okwetaba mu mirimu egiri Mustahab nga Dars, Ijtima' eyagazisa Sunnah etc.
46. Bakuumi, abasirikale wamu n'abappoliisi etc. basaana okukuuma (ennyumba, ekizimbe etc.) nga basigadde batunula. Bwebebaka mu bugenderevu nga bali mu biseera by'okukola, bajja kubeera bakozi byakibi. Ekirala, balina okuteeka emisaala gyabwe bagisaleko okusinziira ku budde bwebamaze nga beebaka oba nga basuddeyo ogwa naggamba ku mirimu gyabwe (kakibeere mu bugenderevu oba awatali bugenderevu).
47. Tekikkirizibwa eri bakozi kwekalakaasa nga bakomya emirimu okusobola okuteeka byebaagala bikolebwekwo oba okubeera n'embeera z'okukola ezisingawo obulungi kubanga kino kubeera kikontana n'endagaano y'obukozi.
48. Tekikkirizibwa kubeera mu mirimu ebiri egirina obudde bw'okukola nga bwebumu. Wabula, bwoba nga okulera mu kitongole ekimu, osobola okukola mu kitongole ekirala nga okkiriziddwa omukozesawo mu kitongole

ky'okoleramu. Kino kikola wokka nga okukolera ekitongole ekisoose tekikosa kukolera kitongole kirala.

49. Omukozesa tasobola kuteeka mukozzi we akole ku nnaku z'okuwummula ezimakiddwa mu nnono. Bwakikola ekyyo nga amukaka, abeera mwonoonyi. Naye, kwasaba omukoziwe mu ngeri ey'obwetowaze, si naddoboosi liragira, era omukozi n'akola nga musanyufu oba kwasasulwa olw'okukola ekisusse, kikkirizibwa okukikola. Jjukira ennamula nti kiri Wajib okugereka omusaala bwekiba nga kirabwa oba kiragirizibwa nti omusaala gulina okusasulwa.

Mu mbeera nga eyo, ekifo ky'okugereka omusaala, tekimala kwatula bigambo nga *jangu otandike okukola, tujja kulaba; tujja kukusasula kyonna ekisaanye; tujja kukusanyusa tujja kukuwa ensimbi ezinakubesaawo* etc. Jjukira! Kibi okuwa wamu n'okutwala omusaala awatali kugugereka. Ekirala, okusaba omusaala ogusinga ogwo ogwagerekebwa nakyyo tekikkirizibwa. Okujjukira okulamula kuno kikulu nnyo eri abavuzi b'emmotoka, taxi wamu nabuli muntu akozesa emikono etc wamu n'abo ababahasula olw'emirimu gyabwe. Omusasuzi n'asulwa bwebaba nga bamanyi omuwendo gwennyini ogw'okusasula wamu n'okupangisa, tewali bwetaavu kugereka muwendo ogwo mu mbeera eyo. Oyo ateeka omuntu okukola akifuula kilambulukufu mu maaso nti



tajja kumusasula kintu kyonna era omukozi n'akkiriza; naye ate oluvannyuma omukozesa n'asasula essence ezimu etc. nga kiva ku yye ssekinnoomu, awo tewali kikyamu mu nsasula nga ezo wamu n'enfuna ezo.

50. Bwaba nga oyo abadde afuna omusaala omujjuvu newankubadde nga takoze ennaku ezimu (awatasanye) oba nga munafu mu biseera by'okukola kat inga awulira obuswavu, okwenenyeza mu kwatula kwokka tekimusalira. Okugatta ku kwenenya, ensonga eyo ey'okusasula okwali kutasanye kweyafuna okutuusa olunaku olwo erina okumalibwa mu nnamula ya Shari'a.

Mu kuvvummula ensonga eno, A'la Hadrat رَحْمَةُ اللَّهِ عَلَيْهِ yagamba, '(Mu mbeera z'okufuna omusaala ogutasaanye) omukozi alina okuzzaayo essence ezisusse ezo eri omukozesa. Omukozesa bwaba nga yafa, omukozi alina okuddiza omuwendo ogwo eri abasika b'omukozesa; bwaba nga omukozi tamanyi wwa abasika gyebali, olwo nno alina okugaba essence ezi eri Faqeer oba Miskeen (omwavu lunkupe) Omusiraamu nga Sadaqah. Kiri Haraam eri omukozi oyo okukozesa sseente zino ku bintu bye ebyassekinnoomu oba ensonga endala yonna etali Sadaqah. (*Fatawa Razawiyyah, vol. 19, p. 407*)

Essente zirina okuzzibwayo eri ekitongole ekiddukanyizibwa ku bugabi mu mbeera yonna.

Omuwendo gwennyini bweguba nga tegumanyiddwa, gerageranya mu ngeri ensamusamu era ogoberere ennamula ya Shari'ah mu kyo.

Jjukira! Okukozesa obugagga bw'omuntu omulala yenna mu ngeri etakkirizibwa kiyinza okuleetera omuntu emitawaana ku lunaku lw'enkomerero. Nabbi Omwagalwa صَلَّى اللهُ عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ yagamba, 'Omuntu oyo atwala obugagga bw'omuntu omulala ajja kuisinkana Allah عَزَّوَجَلَّ ku lunaku lw'enkomerero mu mbeera nga ali mulwadde wa bigeenge.' (*Al-Mu'jam-ul-Kabeer, vol. 1, p. 233, Hadees 637*)



**Wegendereze bino:** Ekitabo kino kyasoka okufulumizibwa nga 3<sup>rd</sup> Jumadal Aula, 1427 AH (i.e. May 2006) n'omutwe '21 Madani Pearls for Employees', era kyafulumizibwa emirundi mingi oluvannyuma lw'enkyukakyuka n'okugattirira okwenjawulo. Kati kifulumiziddwa mu Jumadal Aula 1434 AH (March 2013) oluvannyuma lw'okukyetegeereza omulundi omulala.

**Muhammad Ilyas Attar Qadiri**

Jumadal Aula 1434 AH (March 2013)

Ebimuli bya Madani 50 ebikwata ku kufuna riziki ya Halaali

Oluvannyuma lw'okusoma ekitabo kino, mazima ojjakwagala okumanya oyo eyakiwandiika. Kyawandiikibwa oyo nno nno Omulunngamya w'emoyo era Omumanyi omwatiikirivu ennyo mu kyasa kya 21st, 'Allamah Maulana Abu Bilal Muhammad Ilyas Attar Qadiri Razavi **دَاعِيَةُ بَرَكَاتِهِمُ الْعَالِيَةِ** yeyatandikawo Dawat-e-Islami (ekibiina ky'ensi yonna ekitali kya byabufuzi ekibuulirira Quran ne Sunnah) ekisasaanya okumanya kw'obusiraamu mu ngeri 93 ez'empangaala zóbulamu. Bwoba nga oyagala kumanya ku mutandisi wa Dawat-e-Islami, ebitabo bye, obutabo bwe wamu n'emikono gya Dawat-e-Islami egy'enjawulo, lambula omutigambano guno: [www.dawateislami.net](http://www.dawateislami.net).

Ekirala, Dawat-e-Islami esasaanya obubaka bwóbusiraamu mu nsi yonna nga eyitira mu Madani Channel, omukutu gwa terefayina ogukolera ku busiraamu 100%. Koobere wa mu nsi yonna, bwoba nga oyagala kulaba Madani Channel, olwo nno goberera ensika eziweereddwa. Bwoba nga oyagala kututuukirira, olwo nno tufunira ku: [overseas@dawateislami.net](mailto:overseas@dawateislami.net)

Ebimuli bya Madani 50 ebikwata ku kufuna riziki ya Halaali

## Madani Channel – Global Coverage Parameters

**Transmission: Digital**

Satellite	Beam Type	Position	Downlink	Hz.	Polarity	Sym. Rate	FEC
Asiasat (A7-C3V)	Global	105.5 E	C-Band	3739	Vertical	2815	3/4
Intelsat 20	Africa Region	68.5 E	KU-Band	12562	Horizontal	26657	2/3
Eutelsat 7	Middle East	7 West A	KU-Band	10815	Horizontal	27500	5/6
Astra 2F	Europe	28.5 E	Sky Platform	12640	Vertical	22000	5/6
Galaxy 19	USA	97 West	KU-Band	121835	Horizontal	22000	3/4

## INTERCESSION BECAME WAJIB


The Prophet of Rahmah, the Intercessor of Ummah صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ said: The one who recited the following:

”اللَّهُمَّ صَلِّ عَلَى مُحَمَّدٍ  
وَأَنْزِلْهُ الْمَقْعَدَ الْمُقَرَّبَ  
عِنْدَكَ يَوْمَ الْقِيَامَةِ“<sup>1</sup>

My intercession became Wajib for him.

*(Al-Mu'jam-ul-Kabeer, vol. 5, pp. 25, Hadees 4480)*

<sup>1</sup> O Allah عَلَى مُحَمَّدٍ! Have mercy on Muhammad (صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ) and bestow upon him a great rank in Your court on the Day of Judgement.



Alami Madani Markaz, Faizan-e-Madinah, Mahallah Saudagaran  
Purani Sabzi Mandi, Bab-ul-Madinah, Karachi, Pakistan.

UAN: +92 21 111 25 26 92 | Ext: 1262

Web: [www.dawateislami.net](http://www.dawateislami.net) | E-mail: [translation@dawateislami.net](mailto:translation@dawateislami.net)